SCOBA
S.2 LUGANDA.

DDAMU EBIBUUZO BYONNA

1. Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo.

**OBULUNGI BW'ENSIKO**

Omusajja atamanyi nsiko,
Asaana kugimanya.
Omukazi atamanyi nsiko,
Agwana kugiragwa.
Omulenzi atamanyi nsiko,
Egwanye kumulagwa.
Omuwala atamanyi nsiko,
Ateekwa kulabulwa.
Omuntu atalina nsiko,
Ateekwa kugifuna.

Obubangala obutono bukawoomera,
Mu nsiko omwo mwebusula mwe buzannyira.
Emyene gi kabedwa gikagejjere,
Mu ttale omwo mwe mwagyo mwe gigejjera.
Buba mu nsiko yaabwo mwe buvundira.
Abaagala okulya enkwale n'obutiitiri,
Baba mu nsiko okumpi olwo nga bategа.
Ejjerengesa oluusi lye tuyoya okulya,
Olugenda mu jjiira nga kulinoga.

Bw'oyagala okulya ku nswa zikawoomera,
Ensikoyo lye ggwanika gy'ogoberera.

Omuganda ku nnyumba nno tagendeka
Mu nsiko yemw'akeera mw'aggya buli kantu.
Emikomba n'empagi ye mw'abisanga byonna
Emirabba n'enkoma ze tebimubula omwo
Okusereka enju ye ku nsiko ye kw'adda
Essenke erigumira ebigere ly'ayaliira munda
Omuganda ensiko emuyamba kumpi emirundi lwenda.

Mu kusogola ng'essenke alikima mangu,
Okulwalako makaayi bakima mu nsiko
Eggwanika ly'ensimbi ensiko yo weeri,
Okufuuka bijooto era mu nsiko ye mw'aggya.

Ye ate twerabidde tutya okuwasa kwaffe,
Ebirabo n'ekkanzu n'emitwalo byonna
Ensiko eyo gy'olabako y'ebituwa byonna
Obuyinike buzze ku nsikoyo kw'odda,
Ensiko gye tunyooma eyo ye mukadde waffe.

**Ebibuuzo:**

i) Laga abantu bamirundi esatu omuwandiisi b'ayagala bamanye ensiko. (Obubonero 03)

..............................................................................................................................

..............................................................................................................................

..............................................................................................................................

ii) Omuzimbi afuna ki okuva mu nsiko. Menya ebintu bina. (Obubonero 08)

..............................................................................................................................

..............................................................................................................................

..............................................................................................................................

..............................................................................................................................

iii) Londayo omutwe gw'oyinza okuwa ekitundu ky'osomye (**Guwandiike mu nnukuta nnene).** (Obubonero 03)

..............................................................................................................................

..............................................................................................................................

..............................................................................................................................

2. Ekitundu kino kikyuse okizze mu lulimi oluganda. (Obubonero 12)

Most Ugandan Children will not gain from their education if their Parents remain poor.

It is well known that in any family with poor people, those who try their level best to receive education and get paying jobs and good incomes end up being pulled down by their poor relatives. Who begin to ask for endless help from them.

**BIKOMYE AWO.**